# AMATEEKA N'ENKOLA EBINAAGOBERERWANGA MU BITONGOLE BYABAVUBI KU LW'OKUKUUMA OMUTINDO GW' EMPUUTA, ENGEGE ENKALU N'EBIKA BYEBYENNYANJA EBIRALA



THE REPUBLIC OF UGANDA

Ministry of Agriculture,
Animal Industry & Fisheries
Directorate of Fisheries Resources

# AMATEEKA N'ENKOLA EBINAAGOBERERWANGA MU BITONGOLE BYABAVUBI KU LW'OKUKUUMA OMUTINDO GW' EMPUUTA, ENGEGE ENKALU N'EBIKA BYEBYENNYANJA EBIRALA

Okukalirira eby'ennyanja ku muliro y'enkola emu kubirongoosa ekyasinze okukozesebwa kubanga byanguwa okukala ate ne bifuna akawoowo akettanirwa abaguzi n'okubikuuma nga biramu okumalira ddala ekiseera. Singa biba bikaliriddwa bulungi osobola okubitunda nga tobikuumiddeekona mufiriigi/bbalaafu.
Bw'obikalirira, omala n'obyanikako mu kasana oba okubinyika mu mazzi aganoze omunnyo.

## CONTENT


1.0 EMITENDERA ENGEGE, EMPUUTA N'EBYENNYANJA EBIRALA MWE BIYITA OKUBYONGERAKO OMUTINDO
2.0 ENTIKKULA Y'EBYENNYANJA
3.0 ENTAMBUZA Y'EBYENNYANJA OKUBITUUSA WE BIKALIRIRIRWA
4.0 OKWETEGEKERA OKUKALIRIRA (OKUKALAKATA, OKUBAAGA, N'OKWOZA)
5.0 OKWANIKA
6.0 OKUKALIRIRA KU MULIRO
7.0 OKUWOZA EBYENNYANJA
8.0 ENTEREKA
9.0 OKUPANGA EBYENNYANJA EBIKALIRIRE MU BISERO
10.0 ENTAMBUZA YEBYENYANJA OKUTUUKA MUKATALE
11.0 OKUTUNDA EBYENNYAJA

## 1.0 EMITENDERA ENGEGE, EMPUUTA N'EBYENNYANJA EBIRALA MWE BIYITA OKUBYONGERAKO OMUTINDO



## 2.0 ENTIKKULA Y'EBYENNYANJA

### 2.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okumala gabiyiwa n'okubituuma kuttaka nga bituuse ku mwalo.
b) Okuleka ebyennyanja ne bitonnyako ebizzi by'okumwalo ebiddugala.
c) Okuleka amazzi amajama okumansuka ku by'ennyanja.
d) Okutikkula ebyennyanja eby'omutindo ogutatuuse.
e) Embeera y'obulamu bw'abakozi abakwata ku byennyanja etatuukana na mutindo.



## 2.2 Enkola Ezisaanidde

a) Nga tuli ku myalo, tuleme ku kasuka bukasusi byannyanja ku ttaka tubiteeke butereevu mu bisituliro.

b) Okwegendereza okwekitalo kwetaaga ng'obadde ojja ebyennyanja mu lyato bireme kutuukibwako mazzi majama.

c) Ebyennyanja ebiri ku mutindo byokka byoba otikkula.

d) Abakozi abatikkula basaanye bambale obukubiro, enkampa, magetisi nga babadde bakola mu byennyanja ku lwokukuuma omutindo n'obuyonjo.

e) Ebifo ebisitufumu kko bye bituufu okwekenneenyeerezaamu eby'ennyanja mpozzi n'okubitunda.



## 3.0 ENTAMBUZA Y'EBYENNYANJA OKUBITUUSA WE BIKALIRIRIRWA

### 3.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okubissa mu bisituliro ebijama n'ebintuntu ebitali bituufu kukozesa.

b) Okutambuza eby'ennyanja ebitabikkiddwako ku galoole.

c) Okuteeka ebyennyanja mu mbeera y'olubugumubugumu

d) Entambula eyakasoobo eyinza okuleetera ebyennyanja okududa.

e) Okutikka ebyennyanja awamu n'abantu, ebisolo, amanda “oyiro” eddagala ly'ebirime oba amafuta.




## 3.2 Enkola Ezisaanidde

a) Buli lwe kisobose ebyennyanja ebyakavubibwa bwe bituuka ku mwalo, byanditikiddwa mu bipipa ebirimu bbalaafu ate bisaabazibwe mu mbeera eyo okutuusa lwe bikolebwako ku mutendera oguddako – gamba okubikalalakata.

b) Ekya bbalaafu bwe kigaana, ebyennyanja bitambuzibwe nga bibikkiddwako mu bisituliro ebiyonjo sinakindi mu mbeera y'obudde empeweevu.

c) Abantu baleme kulinnya yadde okutuula ku byennyanja nga bitambuzibwa.

d) Ebyennyanja bibikkibweko ettundubaali olw'okwewala enfuufu n'obujama singa emmotoka kwe biri ssi mbikke bulungi.




e) Entambula ekozesebwa esaanye ebeere nnyangu okuziyiza ebyennyanja okwononekera mu kkubo.

f) Totabiikiriza byannyanja na bintu birala ku mmotoka.

g) Abagoba b'emotoka balina okufuna olukusa olutongole okutambuza ebyennyanja.

# 4.0 OKWETEGEKERA OKUKALIRIRA (OKUKALAKATA, OKUBAAGA, N'OKWOZA)

## 4.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okukolera awajama.
b) Okukolera ku ttaka obutereevu.
c) Okukolera ku kintu ekitayonjeka mangu.
d) Okukolera mu bizimbe n'ebifo ebyetooloddwa nga bijama.
e) Abakozi abakola mu byennyanja nga bajama.
f) Okukandaaliriza ebyennyanja okuva lwe byatikkuddwa. okutuusa lwe bitegekebwa okukalirirwa.
g) Entegeka enkyamu tugambe obutayoza bulungi byannyanja oba obtabireka kutonnyolokoka kimala nga tebinnakalirirwa.
h) Okukozesa ebika bya sabbuuni eby'obulabe eri abantu
i) Okukozesa ebikozesebwa nga bijama.



## 4.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebyennyanja bikolokote obyoze bulungi n'amazzi agatukula nga bakufukirira.


b) Kozesa ekifo ekiyonjeka nga kisitufumu kko nga kya kyuma oba sitiiru atatalagga oba akaveera akagumu nga kayonjeka. Bwe kaba kaveera oteekwa okukakyusakyusa buli luvannyuma lwa kwoza oteekwa okukakyusa.

c) Kakasa nga ekimeeza kyesuliseemu kisobole okukulukusa nokukala obulungi.

d) Okusobozesa ebyennyanja okukala amangu n'obutamala budde bungi nga babikalirira, oyinza okubisalamu. Kino kijja na kutaasa ku bungi bw'enku z'okozesa.

e) Kakasa ng'ekizimbe mwokolera biyonjezebwa ntakera nga byojje mu byennyanja bikungaanyizibwa era ne bisuulibwa mu kifo ekitegekeddwa obulungi.

f) Weewale nnyo okukolera okumpi ne kasasiro, obuyu, emikutu gya kazambi we gikulukutira oba ekifo kyonna nga kijama.



g) Abakozi bambale ebibakuuma, akookumutwe obubikka emimwa/ennyindo obukubiro, enkampa ku ngalo, magetisi era nga biyonjo ddala.

h) Ssabuuni akozesebwa okuyonja ebikozesebwa n'ekifo awakolerwa ateekwa okuba nga talina bulabe ku byakulya.

i) Ekikozesebwa kyonna kiteekwa okuyonjebwa buli kaseera ng'omulimu gugenda mu maaso.

j) Fuba nnyo okukuuma ekifo w'okolera nga kiyonjo okwewala ensowera oba obubu okugwa ku byennyanja.

## 5.0 OKWANIKA

### 5.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Obutagoberera nkola ntuufu eneeyamba byennyanja okutonyolokoka. Kino kikolebwa okunnyululira ddala obuzzi bwonna obuli ku kyennyanja nga singa tokiwa budde bumala, amazzi gajja kusigala mu byennyanja.
Naye ate wekkaanye kino; singa ate ebyennyanja obyanikira ebbanga eddene ennyo bijja kududa.

b) Okwanika eby'ennyanja ku ttaka.

c) Okwanika ebyennyanja ku kimeeza naye nga sikisulike kimala kusobozesa mazzi kutonyolokoka.

d) Okwanika eby'ennyanja nga wookolera wali kumpi ne kasasiro, obuyu, emikutu gya kazambi egitonya, awantu awali enfuufu oba awantu wonna awayinza okuva obuwuka ne bugwa ku byennyanja by'oyanise.



e) Okukozesa abantu nga abajama.

f) Tokolera wali binyonyi nga bikalolo oba ebisolo ebiyinza okukubbako ebyennyanja byoyanise.

## 5.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebyennyanja bisooke byanikibweko ku kasana essaawa nga bbiri nga tonnabikalirira ku muliro.


b) Ebyennyanja byanikibwe ku butandaalo obusitufumukko nga tebirina we bikwataganira ne ttaka.

c) Ebifo omwanikibwa eby'ennyanja wasaanye kubeera walako n'ebifo ebijama, nga; obuyu, kasasiro oba emikutu gya kazambi.

d) Ebifo omwanikibwa ebyennyanja tewasaanye kuba nfuufu, ebikkakka ebiva mu ekizoosi zemmotoka oba ebisolo ebirundibwa.

e) Ebyennyanja bwoba obyanise tomala gabileka kunyookako nsowera oba bubu, beera ng'obigobako.

f) Tangira ebinyonyi ebirya ennyama nga empungu oba ebisolo nga embwa, kkapa, n'enkoko okwegiriisiza ku by'ennyanja.



## 6.0 OKUKALIRIRA KU MULIRO


### 6.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okukozesa enku ez'emiti egy'obulabe eri abantu.
b) Okukozesa enku ezisiigiddwako langi, eddagala okubikaliriza.
c) Okukalirira eby'ennyanja n'obisiriiza n'ebiggwaamu n'ensa/ ebiriisa.
d) Obutabalirira bungi bwa mukka ebyennyanja ne bikuusiira n'omukka ku ngulu nga tebikyasikiriza muguzi.
e) Okukalirira eby'ennyanja ebyaduze edda.
f) Ebyennyanja obutabiwabudde bumala kuwola.
g) Okukozesa abakozi abajama.
h) Okulemwa okupima omukka ogw'ekigero n'obudde bw'omala ng'okalirira.



## 6.2 Enkola Ezisaanidde

Okukalirira ebyennyanja mu kyokero kitegeeza kukozesa omuliro ogusobola okujjiisa ekyennyanja. Mu kyokero ekyo ebyennyanja bimalamu eddakiika nga ssatu zokka ng'ebbugumu lipimiddwa wakati wa diguli 630C okutuusa ku 720C. Olwo kendeeza ebbugumu ebyennyanja obikalirire okumala essaawa 24. Ebyennyanja osaanye obikalirire ekiseera ekimala ekinaabisobozesa okukola obulungi kwe kugamba bituuke ku mutindo ogulagiddwa nga birimu obutundutundu 10% ku buli kikumi obwamazzi. Osaanye weewale okukandaaliriza ebyennyanja ku muliro kuba biggwaamu ekiriisa.



Okufuna ebyennyanja ebikalirire ebyomutindo osaanye ogoberere bino;

a) Ebyennyanja by'ogenda okukalirira kakasa nti biramu bulungi, bibaage obijjemu ebyenda ate obyoze bulungi n'amazzi ogattululemu bulungi.

b) Biwe ekiseera bitonyolokoke amazzi olyoke obyaliire ku lusaniya kwe babikalirira.

c) Singa ebyennyanja biba biteekwa okubeerawo ekiseera ekiwanvuka oba nga bya kutunda mu butale obuli ewalako, ebyennyanja byolongoosezza osaanye obinnyike mu mazzi agalimu omunnyo okumala essaawa eziri wakati w'essaawa 12 okutuuka ku 24, olwo binnyululemu olyoke obikalirire okumala essaawa 24 oba okusingawo.

d) Si kirungi okuleka ebyennyanja ku katandaalo olunaku olulamba nga tonnabikalirira, kuba bwe birwako ku katandalo ensowera zibigendako oluusi omusana omungi oba enkuba n'ebikuba. Ebintu nga bino bissa omutindo gw'ebyennyanja.

e) Togezanga okukozesa obusa okukalirira eby'ennyanja, obusa buyinza okuvaamu obuwuka obwonoona omutindo gw'ebyennyanja. Obusa obutakaze bulungi ate bwo bwonoona empooma n'akawoowo k'ebyennyanja.

f) Bwoba ku byennyanja, weewale okukozesa ebitundu by'ekyennyanja okufumita ebituli mu kyokero kubanga omuliro bwe guzikira, ensowera n'ebiwuka ebyenjawulo bijja kusikirizibwa okuyingira mu kyokero.

g) Omuliro ogw'amaanyi, ekifo ekiyitamu empewo obulungi bye byetaagisa okukalirira ebyennyanja obulungi mu ssaawa nga nnya n'okutuusa omukka ogumala ku byennyanja.

h) Ensaniya okuli ebyennyanja zikyusekyuse buli kassera kisobozese ebyennyanja byonna okutuukako omuliro n'okukala obulungi (ekyokero kibeera kigazi bulungi) nga chorkor.

i) Ebika by'enku ebisaanye okukozesebwa bye bino; empumbu y'omubbajjiro, ebipapajjo by'emiti, oba obutittiriri obukaze obulungi.

j) Emiti eginaavaamu omukka tegirina kuba nga gyateekebwamuko ebidagala oba okusiigibwako langi yonna.

k) Emiti egimanyiddwa nga gya buulabe tugyewale ogikozesa kuba obutwa obugivaamu buyinza okuyingira mu byennyanja.

l) Enku zisaanye okuterekebwa mu kifo ekikalu obulungi ekitali ekyo kyokaliriramu.

m) Omudumu ogutwala omukka gusaanye kubeera mu kisenge ekyenjawulo okuva ku ekyo kyokolera. Kino kiziyiza ebiva mu nku okwonoona omutindo gw'ebyennyanja.

n) Bwoba otaddewo ebyennyanja okunnyolokoka nga t onnabikalirira balirira obudde bube bumpi oziyize ebyennyanja okududa, embeera eyinza okwanguwa mu bika by'ebyennyanja ebiduda amangu.

o) Ng'okalirira ebyennyanja, faayo nnyo ku budde n'obungi bwebbugumu ly'okozesa.


p) Bulijjo kakasa ng'ekifo wokolera omulimu gwo n'abantu b'okozesa bayonjo.

## 7.0 OKUWOZA EBYENNYANJA

### 7.1 Enkola Ezitasaaniddde

a) Fuba okulaba ng'ebyennyanja biwoze bulungi kuba singa biba tebikamuse bulungi biyinza okukukula nga babiterese.

b) Singa eby'ennyanja bisigalamu olubugumubugumu kiyinza okuviirako okulumbibwa obuwuka n'okuvundira nga babiterese.




## 7.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ng'ebyennyanja tebinnaterekebwa osaanye okakase nti bikaze bulungi era ng'oluliba lwabyo lukalidde ddala bulungi. Kino kibiyamba obutakukula.

b) Ng'ebyennyanja ebikalirire bimaze okuwola obulungi, kakasa nti weegendereza bireme kukwatagana na bintu biyinza kubyonoona. Sala gonna okulaba nti we biri wayonjo ddala nga tewali buwuka buyinza kubiyingiramu.

c) Kakasa nti ebyennyanja ebikaliriddwa biwoze bulungi.

d) Okuwola kuyamba okuggya ebbugumu mu byennyanja kuba singa omala n'obipakira nga bikyabuguna bijja kuzaala amazzi kibireetere okukukula ko n'okuvunda.



## 8.0 ENTEREKA

### 8.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Singa ebyennyanja biba tebikaze bulungi bikukula nga babiterese.
b) Singa ebyennyanja babitereka nga tebiwoze bulungi bikukula era bivunda.
c) Ekifo awaterekebwa ebyennyanja tewasaanye kuba nfuufu wadde ebikkakka.
d) Ebifo awaterekebwa ebyennyanja ebikalu tebyandibaddemu mmese, biwuka yadde ebyewalula.
e) Ekifo awaterekebwa ebyennyanja kyandibaddemu obumooli nga buyisa empewo emala.
f) Tekisaana kuteeka byennyanja ku ttaka mu kifo we babitereka.
g) Ebyennyanja tebyanditerekeddwa mu kifo ekyeyambisibwa ku bintu ebirala gamba nga: awasula ebisolo, abantu, we batereka emmere. Sikirungi kuteeka byennyanja mu bifo ebitassanidee nga wansi w'ebitanda.
h) Sikirungi kutereka byennyanja mu kifo kijama.
i) Ebisero ebitaliiko bisaanikira ebyatalagga oba ebijama tebisaana kuteekamu byennyanja.




## 8.2 Enkola Ezisaanidde

a) Kakasa nti ebyennyanja biwoze bulungi olyoke obitereke mu kisenge ekiyisa obulungi empewo era nga ne mmese tezikiyingiramu.

b) Sikirungi okutereka ebyennyanja mu bisenge ebisulwamu naddala wansi w'ebitanda.

c) Ebyennyanja biteeke mu kintu mwe bigya obulungi oleme kubinyiga na kubimenyamenya.

d) Ebifo omuyingira embuzi, ebisolo ebyawaka nga: embwa, kkapa n'ebirala tebisaanye kuterekebwamu byannyanja.




e) Kakasa nti ekisenge wootereka ebyennyanja tekiyingirwamu mmesse, buwundo wadde ebiwuka era nga kyetooloddwa akatimba omutali bituli okukugira ebisolo ebyo.

f) Ekisenge ekiterekebwamu ebyennyanja byandibadde biyonjo, bikalu ate nga biyisa bulungi empewo era nga biserekeddwa eri omusana oba enkuba.
Bwekiba kisoboka ebyennyanja ebikalirire byanditeekeddwa mu masa bisobole okufuna empewo.

g) Singa kiba kyetaagisa ebyennyanja okubeerawo ebbanga eggwanvuko, kisaanye okuddamu okubyanikako mu biseera ebigere, naddala mu biseera by'enkuba.

h) Kakasa nti ebisituliro omuterekeddwa ebyennyanja tebituuziddwa ku ttaka butereevu olw'okwewala obunyogovu.

i) Ekisenge ekiterekebwamu ebyennyanja tekisaanye kubeeramu biragalalagala era nga tekimala gayingirwamu buli muntu.

j) Singa kisoboka, ekisenge ekiterekebwamu ebyennyanja temwanditerekeddwamu mmere ndala oba kintu kirala okujjako nga bisibiddwa bulungi okuziyiza ebyennyanja okwonooneka.

k) Ekisenge ekiterekebwamu ebyennyanja n'ebiriraanyeewo biteekwa okubeera ebiyonjo, ebyenyanja bireme kutuukibwako nfuufu era gye bayera oba eyo eva mu bikka ebiva mu bidduda.

## 9.0 OKUPANGA EBYENNYANJA EBIKALIRIRE MU BISERO

### 9.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okuyingiriza ebyennyanja mu bintu bye bigederamu (ebisero, entala).
b) Okukozesa ebiteekebwamu ebitasaanidde mulimu gwa kupakira byannyanja.
c) Okukozesa ebiteekebwamu ebijama.
d) Abapakira ebyennyanja okubeera abajama.



## 9.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebyennyanja ebikalirire bisobola okumenyekamenyeka, nolwekyo tusaanye okubipakira n'obwegendereza.

b) Waliwo ekibeeramu ebyennyanja ekikoleddwa mu ngeri ey'omulembe nga nnungi mu kukuuma ebyennyanja era kirina ekitundu eky'olubaawo ate n'akatimba waggulu ne ku ntobo akayamba empewo okusigala ng'eyita mu byennyanja ne kibiyamba obutamenyeka.
FAQ eragira okutambuza ebyennyanja mu kisanduuke ekiweza cm90x60x45cm.

c) Ebyennyanja singa biba bikaliriddwa bulungi, byandibadde biwangaala nga birungi okumala ennaku 4 okutuuka ku 7.

d) Ebisero ebikolere okwaffe (olutala) ebiyisa empewo, birungi okusituliramu ebyennyanja okusinga obusanduuke obukole mu bipapula kuba tebuyisa mpewo.

e) Kakasa nti abakozi abapakira bayonjo ddala.



## 10.0 ENTAMBUZA YEBYENYANJA OKUTUUKA MUKATALE

### 10.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okutambuliza ebyennyanja mu motoka eziwedde ku mpagala ezitazzibwa buggya mu ngeri ematiza n'ezifuuwa ebikka mu ekizoosi.

b) Si kirungi okulinnyirira, okutuula, okusambirira okwebaka n'ebiringa ebyo ku loole z'ebyennyanja waggulu.

c) Okutambuliza enkumuliitu y'ebyennyanja mu bumotoka obutono ekivaamu okubitikka kubinnaabyo okunyigiriza n'okutikka akabindo.

d) Okukozesa entambula esooba kiyinza okuviirako ebyennyanja okuvunda nga tebinatuuka mu butale.

e) Okutambuliza ebyennyanja ku nguudo ezijjudde enfuufu n'ebitoomi biyinza okuyingira mu byennyanja n'ebitta omutindo.

f) Obutayonja mmotoka zitambuza byannyanja.

g) Obujama bw'abakozi abakola ku byennyanja mu kubitambuza.

h) Okutabiikiriza ebyennyanja n'ebyamaguzi ebirala ku mmotoka emu.




## 10.2 **Enkola Ezisaanidde**

a) Ebyennyanja ebikalirire binafuwa era byanguwa okumenyeka nolwekyo biteekwa kukwatibwa na bwegendereza nga bipakirwa n'okubitambuza.

b) Bwoba osobola kozesa emmotoka esobola okubikka ebyennyanja obutayononebwa mu musana oba nkuba.

c) Totambuliza byannyanja na byamaguzi birala wamu mpozzi nga bipakiddwa/bisibiddwa bulungi, ekimu obutayonoona kirala.

d) Totwala basaabaze wadde bintu byabwe mu motoka omutikiddwa eby'enyanja.




e) Loole eziwedde ku mpagala ezifuuwa omukka ogwa buli kika tezisaanidde kutambulizibwamu byannyanja.

f) Weewale okutambuliza ebyennyanja ku nguudo omujjudde enfuufu n'ebitoomi.

g) Emmotoka givuge emisinde gya yiriyiri ebyennyanja bireme kwonooneka nga tebinatuusibwa mubutale.

h) Weewale okugattika ebyennyanja n'emmere ekimu kireme kwonoona kinne waakyo.

i) Weewale okutambuliza eby'ennyanja mu migangatiko gye mmotoka gyezivaamu ebikka ebiyitirivu kale bwoba obilemeddeko kakasa zidaabiriddwa bulungi.

j) Kakasa nti emotoka ezitambuza ebyennyanja nnyonjo ddala.

k) Ebipakiddwamu ebyennyanja bibikkeko ne kintu ekitayitamu mazzi okugeza ekiveera oba ettundubaali enkuba oba enfuufu bireme kuyingira byannyanja.

# 11.0 OKUTUNDA EBYENNYAJA

## 11.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okutunda ebyennyanja ebivundu oba ebyakukula.
b) Okutundira ebyennyanja ku bintu ebijama.
c) Okukozesa engalo obuterevu ng'otunda ebyennyanja.
d) Okukozesa ebisituliro ebijama.
e) Okukozesa ebipakirwamu ebitali kumutundo.
f) Okuliraanya, kasasiro oba kaabuyonjo okubeera okumpi n'akatale k'ebyenyanja.
g) Enkola ezenjawulo ezitakkirizibwa gamba nga okumetta. amasavu oba butto ku byennyanja bisobole okunyirira n'okusikiriza abaguzi.



## 11.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ekisookera ddala, kakasa nga weekeneenyeza ddala obulungi ebyennyanja ebitwaliddwa mu butale okulaba nga tekuli biwumbye wadde, ebikukudde.

b) Kakasa ng'ebyennyanja ebyonnoonese/ ebivunze byawuliddwa ku by'ennyanja ebirungi ebigenda okutundibwa.

c) Ebyannyanja birina kutundibwa ku kituuti ekisitufu nga kikoleddwa mu kintu ekiyonjeka okugeza obutandaalo obwekyuma obusobola okwekazaako bwokka amazzi agayiikako nga babadde babuyonja.

d) Mu butale obw'omubyalo ekituuti ekisitufu ng'emeeza oba omudaala gwe gukkirizibwa okutundirwako olwokwewala okwonoonebwa, ebiwuka n'okulinyibwako abatambuze singa biba bitundibwa ku ttaka.

e) Kakasa ng'ebyennyanja ebikaliriddwa babitundira mu bifo ebiyonjo ng'ate wakalu bulungi.



f) Kimenya mateeka okutunda ebyennyanja ebyononese. Wewale okutunda ebyennyaja ebirabikira ddala nti birina ebiwuka ebyabiyingiramu ebivunze oba ebiwunya ekisu ekitali kya byannyanja bikalirire.

g) Omutunzi w'ebyennyanja ateekwa kubeera omuyonjo nnyo nga tannakwata ku byannyanja.

h) Akatale k'ebyennyanja tekatekwa kubeera kumpi na kasasiro oba kaabuyonjo oba ebifo ebisobola okuvaamu obulwadde.

Commonwealth Standards Network

UKaid from the British people

Prepared with assistance from the
Commonwealth Standards Network, a programme sponsored by the
UK's Foreign, Commonwealth and Development Office (FCDO).